
**Ekitundu 1**

"Katonda atonda buli muntu okukolagana naye n'okubeera mu bulamu obw'omukisa. Teyakola bulamu kujjulamu bizibu na kubonaabona."


[Wandiika ekigambo "Katonda" okube n'omuntu.]




**Ekitundu 2**

"Omuntu ayawukanye ne Katonda olw'ekibi. Abantu abaasooka baayonooona, era buli muntu okuva olwo yali akoze ekibi ku Katonda."


[Kuba ekifaananyi kyokwawukana owandiike nekigambo "ekibi."]




**Ekitundu 3**

"Katonda mulamuzi owamazima, era abatakkiriza olunaku lumu bajja kusalirwa omusango okugenda mu geyeena emirembe gyonna okujjako nga bafuna okusaasiwa ne bakomawo mu nkolagana ne Katonda."


[Kuba akasaale owandiike ekigambo "geyeena."]




**Ekitundu 4**

"Tewali kyetusobola kukola kitukomyawo eri Katonda oba okutufunira okusaasirwa—si bikolwa ebirungi, okugenda mu kkanisa, emikolo gye ddiini, okuwaayo ssente..."


[Kuba obusaale ku buli kintu ekiri mu lukalala.]



**Ekitundu 5**

“Embeera yaffe yandibadde yasuubi singa Katonda teyatutemera kkubo kukomawo gyali. Yesu Omwana wa Katonda yafa ku musalaba nga ssaddaaka ffe okubeera nga tusonyiibwa. Oluvannyuma lwe nnaku ssatu, yazuukizibwa mu bafu.”


[Kuba ekifaananyi kyomusalaba.]




**Ekitundu 6**

“Naye tekimala kumanya bumanya kino. Buli muntu ateekwa okulondawo nga ssekinoomu okulokoka nokukomawo eri Katonda. Omuntu ateekwa okwenenya, kitegeeza okunakuwalira ekimala ekibi n’okumalirira okukireka. Omuntu eyeenenya asobola okusonyiyibwa ngasaba ekisonyiwo Katonda mu kusaba.”

[Kuba akasaale owandiike ebigambo “Okwenenya” ne “funa.”]




**Ekitundu 7**

“Olowooza ggwe oli luddawa mu kifaananyi kino? Waali wabaddewo ekiseera ekyenjawulo mu bulamu bwo bwe weenenya ebibi byo, n’ofuna ekisonyiwo ewa Katonda, notandika okubeerawo ku lwa Katonda; oba okyayawukanye ku Katonda olw’ekibi kyo?”

[Lindirira eky’oddamu. Abantu bangi bajja kukkiriza nti bakyayawukanye ku Katonda.]

“Oli mwetegefu okutwala eddaala lino—okwenenya, okufuna ekisonyiwo, n’okutandika okubeeraawo ku lwa Katonda? Nja kuba musqnyufu okusabakom naawe kati.”

[Saba mu ngeri efaananko nga eno wammmanga.]

“Mukama, manyi ndi mwonoonyi asaanira ekibonerezo ekyolubeerera. Nnakuwalidde ebibi byange era mmaliridde okubireka. Nkusaba onsonyiwe, si kuba nti nsaanidde okusonyiyibwa, naye olw’okuba nti Yesu yanfiirira. Weebale olw’obulokozi. Okuva kati okweyongerayo, nja kubeerawo ku lulwo.”

## Okunnyonnyola

**Ekitundu 1**

Entandikwa y’okwanja esobola okukoppebwa okukola ku awuliriza. Mu kifo “kyobulamu obujjudde ebizibu n’okubonaabona,” omubuulizi w’enjiri asobola okwogera ekintu ekyaddala ekikwatagana n’omuwuliriza byayiseemu.

**Ekitundu 2**

Kyamugaso omuntu okutegeera nti alina omusango olwekibi nga omuntu era ayawukanye ku Katonda. Tali mu mbeera eyava mu kibi kya Adamu.

**Ekitundu 3**

Kino kiraga embeera esinga okubeera embi ennyo eyatali mukkiriza.

**Ekitundu 4**

Ekigendererwa kye kitundu kino kwe kulaga awuliriza nti talina kwesiga kintu kikyamu okulokolebwa. Ekitundu kino kisobola okukozesebwa okusinziira ku byetaago byawuliriza. Omubuulizi w'enjiri alina okwogera ku bintu omuwuliriza byayinza okuba nga yesiga.

**Ekitundu 5**

Engeri esinga obwangu okunnyonnyola okutangirira kwe kugamba nti "Yesu yafa ku musalaba nga ssaddaaka ffe okubeera nga tusonyiyibwa." Ekigendererwa kye kitundu kino kwe kuyamba awuliriza okutegeera nti alina kwesigama ku bulokozi Katonda bwawa.

**Ekitundu 6**

Omubuulizi wenjiri agezaako okuleeta awuliriza eri ekiseera ekyokusalawo. Awuliriza yetaaga okutegeera nti ateekwa okwesalirawo nga ye. Yetaaga okumanya ennyinnyonnyola entuufu ey'ekigambo okwenenya, okuba nga amanya nti okwenenya kusinga ku kwejjusa okuba nga ogamba bugambi nti nsonyiwa. Yetaaga okumanya nti alina okusaba Katonda ekisonyiwo.

**Ekitundu 7**

Mu kiseera kino, omubuulizi w'enjiri agezaako okukkirizisa awuliririza obwetaavu bwe okulokoka. Okwanja kuno kukoleddwa okuyamba omuntu atannalokoka okutegeera nti si mulokole. Ekibuuzo kyogera n'obwegendereza. Abantu bangi balowooza nti balina okusaba ekisonyiwo buli lunaku nga bwe bagenda mu maaso n'okukola ekibi. Ekibuuzo kibuuzo ekiseera eky'enjawulo omuntu lwa sonyiyibwa obulamu obuggya ne butandika. Alina okutegeera nti bwaba teyayita mu kukyuka, akyayawukanye ku Katonda olw'ekibi kye. Awo omubuulizi w'enjiri omuwa omukisa okusaba naye ol'obulokozi.

Singa awuliriza tategeeera kyetaago kye oba si mwetegefu okwenenya, Omubuulizi w'enjiri tamusindikiriza kusaba. Bwasaba awatali kwenenyeza ddala mu mazima n'okubeera ngakyuka, ayinza okubeera n'obukakafu obw'obulimba oba okukkiriza nti ye tasobola kukyuka. Mu ngeri zombi, ayinza obutasobola kunoonya Katonda oluvannyuma.

Ekifaananyi kisobola okwanjibwa amangu. Singa obeera n'omukisa okugabana enjiri, osobola okubuuza mu ngeri ennyangu bwoti, "Nyinza okutwala yo eddakiika bbiri okukulaga ekifaananyi ekikubiddwa nga kiraga baibuli yeyogerako nga ekkubo eryokukakasa nti ddala walokoka?" Ekyo kireetera omuntu okumanya nti togenda kumala budde bwe buwaanvu. Singa akyagala nayagala okukyogerako, asobola okutwala obudde obusingawo.